# Abakyala b'e Mbarara bajjanjabiddwa



Abasawo nga balongoosa omukyala e Mbarara.

Bya ALI WASSWA

ABAKAZI abasoba mu 48 balongooseddwa mu ddwaaliro ly'e Mbarara ekirwadde ky'okutonnya ekiyitibwa 'Fisitula' ekitawaanya abakyala abamu ne kibaleetera n'okufiirwa amaka.

Omukugu mu ndwadde z'abakyala, Polof. Rogers Kajabwangu yategeezezza nti, enteekateeka eno esasulirwa ebitongole okuva mu mawanga ag'ebweru buli myezi esatu. Yagambye nti, Fisitula yeeyogedde

MBARARA

okutawaanya abakyala naddala mu byalo olw'obutaba na ssente zibajjanjaba.

Yategeezezza nti, obulwadde buno buva ku bakyala kuzaala ne bataweebwa bujjanjabi bwetaagisa n'agamba nti, bazze balabula abakyala obutagenda mu bamulerwa n'obulwaliro obutalina bakugu mu kuzaalisa.

Lillian Tusingwire nga y'akulira woodi mwe baalongooserezza abakyala yategeezezza nti, ekirwadde kino kiwonyezebwa kubanga balina ne be balongoosezza nga bamaze nakyo emyaka kumpi 20. Abamu ku bakyala abaasangiddwa mu ddwaaliro nga bamaze okulongoosebwa baategeezezza nti, babadde n'ekizibu kino kyokka nga tebalina ssente zibasobozesa kufuna bujjanjabi okutuusa lwe baafunye omukisa guno.

Baategeezezza nga bwe batandise okufuna essuubi ly'okuddamu okufuna ku ssanyu ly'obulamu ng'abakazi kubanga abamu ku ba bbaabwe baabasulawo.